# »Okukuuma ensigo z‘omuceere«

Abalimi abasiinga batereka ensigo zabwe nebazisimba omwaka oguba guddako. Naye balina okuzitereka obulungi okuzikuuma nga nnamu bulungi era nga zamutindo.

Ensigo ziba nnamu . Woba oyagala amakungula amalungi , tandika nakusimba ensigo enamu . Empewo n‘obuwewewvu bujja kwonona ensigo . Weziba teziterekeddwa mu ngeri entufu, zifuuka ngonvu ,ziba zokya era nga mpeweevu n‘olwekyo zisobola okulumbibwa obulwadde n‘obuwuka. wotereka omukebe ku ttaka , ensigo ezisemba mu ntobo ziweweela , ziwumba era nezibuza langi yazo.

## Okutereka ensigo z‘omuceere.

Londamu era okungule akaganda k‘omuceere akalungi. Yawula ensigo era ozikaze. Osobola okuluma ensigo n‘amannyo okusobola okumanya oba zikaze . Zooze ,ozilongose era okaze omukebe, era okakase nti temuliimu biwuka n‘amaggi gabyo. osobola okutereka ensigo zinn0 mu nsuwa eza pulasitika , mu mikebe n‘engoma.

Osobola n‘okutereka ensigo mu nsuwa ezikoleddwa mu bbumba , woba onasobola okuzikuuma okuva eri empewo. Empewo esobola okuyita mu butuli obutono obubeera mu nsuwa oba akasaaanikibwako. Naye osoboola obuziba nga ogisiize langi. Funna langi esigibwa okuva mu dduuka eritunda ebizimbisiibwa oba vanisi oba taaba. Era osoboola okukuuma entobo yaayo ng‘okozesa butto afumba mukifo kya langii. Kakasa nti bulijjo osiiga munda ne kungulu .

Abakazzi abamu bateeka omusubbaawa ogwaka munda mu nsuwa nebajiteekako akasanikira . omusubawa gwaka mpaka kasta muba nga mulimu omuka oguyitibbwa oxygen. Obuwuka bwetaaga omukka okusa ,okuzaala n‘okwonona omuceere , n‘olwekyo omusubbaawa ogwaka gutta obuwuka bwonna.

Omukebe gujjuze ensiigo enkalu paka waggulu. Woba tolina muceere gumala osobola okozesa omuceere ogutavudeko kakuta oba

omusennyu omukalu okusobola okwewala space egendamu empewo.Kati gatamu ebikoola ebikalu by‘ekimmera ekimanyiddwa nga bishkatali,eby‘eniimu oba ebikoola bya taaba , okugoba obuwuka bwonna . saanikira ensuwa n‘akasanikikira era okanyweze nnyo empewo ereme kuyingira munda.